# Awambye ow'emyaka 4 n'amutta



Nambejja yattiddwa.

Bya YUDAYA NAMYALO

EKYALO kibuutikiddwa entiisa omusajja bw'azze n'akwata omwana ku mukono ng'azannya n'amubuzaawo, bagenze okuddamu okumulaba ng'amusse.

Omwana Brilian Nambejja 4, owe Kitebi mu divizoni ye Lubaga mu Kampala yabuze okuva ku banne nga bazannya ku ssaawa 8:00 ez'omu ttuntu n'agenda n'omusajja atannaba kutegeerekeka.

Maama w'omugenzi, Olivia Najjula yagambye yakomye okulaba muwala we ng'akomyewo okulya ekyemisana ku ssaawa 7:00 ez'omu ttuntu bwe yakomyewo n'amusaba emmere.

Olwokuba yabadde akyalina bakasitooma b'akolako yamugambye amulindemu n'afuluma n'addayo okuzannya ne banne.

Yazzeemu okumuyita ku ssaawa 8:00 nga tamulaba era we baamutegeerezza nga bwe baamulabye ng'atambula n'omusajja ku luguudo nga badda e Nyanama.

Yazikubyemu ne zaaka n'agenda ewa ssentebe wa L.C eyamuwadde amagezi addukire ku poliisi. Yeegattiddwaako abatuuze ne batandika omuyiggo nga balina n'ekizindaalo kyokka obudde gye bwazibidde nga tamulabye.

Omuyiggo gwazzeemu ku Lwokubiri ku makya, era baabadde baakatandika ne bamukubira essimu nga bwe waliwo omulambo gw'omwana gwe basanze mu kifulukwa ky'ennyumba. Yagenze okutuuka ku mulambo nga ye mwana we.

Omulambo gwatwaliddwa mu ddwaaliro e Mulago okwongera okugwekenenya nga ne poliisi bw'enoonyereza eyabadde emabega w'ettemu lino.